| Essomo 7 | الدرس السابع |
| --- | --- |

# N'akakwakkulizo akokuna, kwekuteeka munkola:

Amakulu kwekuteeka munkola ebyo byonna ekigambo kino byekikukakasaako okukola nga n'enjawulo nakawedde okokusatu akokukkiriza nti kano akasoose akokukkiriza ko kwekwolesa n'okukkiriza n'olulimi mukwatula, naye kano akokuna kwekukkiriza n'ebikolwa n'okukkiriza ekigambo kino nga ogoberezaako ebikolwabyo amakulu nga nabyo birala nti wakikkiriza.
Era bwamanya omuntu amakulu ga la illah illa llah n'abeera n'okukakasa okwanamaddala kukyo era nakikkiriza wabula natagoberezaako okukakasa kuno okwebikolwa kuba nga ajemulukukira ddala nakolera ku kimulagira ekyo kyeyamanya mu kigambo kino, mazima omuntu oyo abeera teyatuukiriza kakwakkuklizo kano, nga bwagamba Allah mu Suratu Zumara aya 54

Agamba Allah nti mudde eri Allah era mumujemulukukire, era agamba Allah mu Suratu Nisa aya 25 nti;…

Agamba Allah nti nedda nkulayirira Katondawo gwe Muhammadi tebagenda kubeera bakkiriza abanamaddala okutuusa nga bakulamuzza kubuli sanga egudde wakati waabwe ate oluvanyuma lwkubalamula baleme kubaamu nankenyera kwekyo kyolamudde era bajemulukuke olujemulukuka olwanamaddala.
Akakakkulizo akakutaano, g'emazima – okakasa:
Nga n'okukakasa kuno oba amazima gano kwekubeera nga akyogera omuntu nga akakasiza ddala mubukkirizabwe olukakasa olwanamaddala n'okukkiriza olukkiriza olwanamaddala, nga Allah bwagamba mu Suratu Tawuba aya 119 nti;….

"Agamba Allah nti abange mmwe abakkiriza mutye Allah era mubeere naboogera amazima".
Era agamba omubaka SAW mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Ahumad najifulumya Alban nga ntuufu agamba nti;

Agamba nti omuntu akkiriza nayatuza n'olulimirwe nti tewali azinsibwa mu mazima okujjako Allah nga akikakasa mu mazima ayingira ejjana.
Singa omuntu ayatula ekigambo kino n'olulimirwe naye omutima gwe negulimbisa ebyo byegumulaalikako okukolebwa ekyo tekimuwonya wabula ayingira munzikiriza y'ekibinja kyabannanfuusi, era ne mwebyo ebifuula omuntu okuba ali ekyenyuma kyabo abakyogera n'amazima kwekulimbisa ekintu kyonna omubaka SAW kyeyayigiriza oba ebimu kwebyo byeyayigiriza kubanga Allah yatulagira okumugondera n'okumukakasa era ekyo nakigerageranya n'okumugondera yye kenyini Allah. Agamba Allah mu Suratu Nuuru aya 54 nti;

"Agamba Allah bagambe nti mugondere Allah era mugindere n'omubaka".